Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Meli - 2007/08/24 01:31

Nga tuli mu kisulo mu P3, twalina ekitabo kyetwasomangamu ekyoluganda. Ebigambo ebyaali ku ngulu ku kyo netubikolamu akayimba kano;

Tuyige Oluganda

Let Us Learn Luganda

M. B. Nsimbi

L. Walusimbi

M. E. B. Mpalanyi

Ne Mary Mukasa

Mwenna.

Akayimba ako nakyimba nekanzijukiza abawandiisi abakulu abo. Mu biseera webakoleera emirimu nga guno, twemwalimu ssente ziri awo. Bakoleeranga ku talanta kwokka, nakwagala kuyigiriza, nakulekawo ebyobuwangwa n'olulimi mu buwandiike. Tubeyanze olw'omwoyo ogwo.

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Phad - 2007/08/28 18:17

Mwana wattu Meli, ogwo omulimu gwebaakola gwa ttendo!

Na buli kati, ono bwiino gwetuwandiika n'okusoma, aviira ddalal ku musingi ogwo.

Simanyi oba kati oluganda lusomesebwa ku musingi ogw'emyaka gye 80s,fenna gwetwasangawo netufunamu ekituufu!

Baali basajja nnyooo.

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Phad - 2007/08/28 18:26

Njize okusoma,

Kato Ne Nakku,

Zinunula Omunaku,

Bazibumbira,

Basajja Mivule,

Nketta mu Bizinga,

Ennaku teba y'omu,

Nkerettanyi,

Sanyu teribeerera...etc etc etc

(Zino no titles maze kuluma njala,ntakudde omutwe ekyeenyi nzenna enjala zineetimbye nga nfuba kuzijjukira)

Banange obutabo buno bukyaliyo?

Oba waliyo alinayo,aleete twejjukanye banange, tubusomenga mu mpalo wano ku Forum, oba Mike atukolere entegeka ku laadiyo enganzi,tulabe abalina bwiino w'oluganda ku nnimi zaabwe.

Ggwe ogamba otya?

==========

Re:Nsimbi/Walusimbi/Mpalanyi/Mukasa

Posted by omumbejja - 2007/08/28 18:49

Obutabo buno gyebuli eka era kino nakyogerako olumu nti abantu baffe mukifo kyokwetikka ebyokulya byokka singa babugula mubungi nebwoyongezaamu eza shiping and handling ate oba tugula enyiimba ngaddala tezivuddemu bulungi oba dvd naye buno obutabo buli priceless kyetaaga nga bo abajja nebabwetikka abantu babugula.

==========

Re:Nsimbi/Walusimbi/Mpalanyi/Mukasa

Posted by Phad - 2007/08/28 19:57

Nze bwemba nfunye wadde kamu nsobola okuwandiikanga ku forum nga nkoppa muli, abatabulina, n'abo abatabusomangako nebasobola okufuna omukisa gwokusomera wano, balabe abami n'abakyaala abaakola omulimu gw'okusomesa olulimi lwaffe, n'okuluweesa ekitiibwa nga bayita mu kugereesa,n'okukozesa ebisoko nga banyumya.

alina kaalina banange aweereze ntandike, even 2moro

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Meli - 2007/08/28 20:36

Phad nze moving-a up and down right now, naye nnandinonyezzayo nendaba kiki kyenniina. Wabula waliwo akatabo akansesa ennyo akawandiikibwa Ssekabaka Daudi Chwa, nja kufuba okukalaba nkutegeeze bwebakayita nebirala. Webale kunzijukiza butabo obwo. Kozzi ogambye bwonna buli out of print?

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Phad - 2007/08/28 23:52

Mukwano Meli,simanyi oba bukyali mu print oba bwagwaayo,wabula fuba w'ofunira omwagaanya,otinkuule bookshelf eyo olabe oba tusobola okukafuna.Ate mwana wattu ako saakasomako,so i am looking forward to that.Bwalina amakulu,n'okuyigiriza,though up to now neebuuza nti ddala ebyo byalinga bituufu,oba kwali kuwandiika kunyumisa?(Fiction)Kubanga bw'olaba omusaja Nketa Mu bizinga,ofuna ekirowoozo nti yasobola atya okuwonanga,kuba yayita through so much Trials,Tribilations ne escapades nfaafa! Simanyide ddala oba ebyo byaliyo!:(:(:(

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Meli - 2007/08/29 16:05

Phad akatabo nkagiddeko, oluvanyuma lwokuteeka enyumba upsidedown. Bakayita LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA. Kawandikiikbwa Sir Daudi Chwa KCMG, KBE,OSS. Kafuluma mu 1922. Kalina page nga nsanvu (70). Kati oba kakutuuseko katya? Tugambe Mike atuwe email buli omu eyo mulala? Ompe address yo? Nkakuwereze ojjemu copy okawereze back? Kubanga oku scanning-a pages ensanvu... Ate I'm too busy and will be getting busiest in a day or two. Mpa ideas. Naye it's a good read, a little window through which you'll see what a fun person that king was!

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Phad - 2007/08/29 17:13

Ok..mukwano kulika akatuuyo.olabika enkokola zonna zijjude ebinuubule!

Wabula webale nyo eddimu elyo

Mike alina emails zange zonna, just ngenda kumuwereza go ahead akuwe eyange, then send me one ASAP, nkuwe address yange.

It should be interesting to post wano buli omu asomeko.

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Meli - 2007/08/29 21:33

Nketta Mu Bizinga namusoma ndi muto nnyo Phad, sikyajjukira byalimu, yadde Basajja Mivule. Naye mu kiseera ekituufu, nga nfunye akalemberezam ngenda kubuddamu. Mike mugambye akuwe email yange. Otere otandike okutulungamya.

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Musamize - 2007/10/26 01:30

Ebitabo buno n'ebilarala mbirina era mbitunda mu USA.Endagiliro eri james_ssemakula@yahoo.com.

Ate era nabiwandiikako ku www.buganda.com/bitabop1.htm.

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Phad - 2007/10/26 02:22

Sebo mwami Musamize,tukusanyukide ku connect uganda.

Tuula kkalira tuwaye.

Kaakati mbade nsinga kwetaagira dala ako aka Luganda Proverbs.

Nsaba ontegeeze oba okalina,then nkuwereze email tukole entegeka.

Nkakasa nti abakiise wano bajja kulinda n'amaddu mangi okuwulira ku ngero zaffe.

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa
Posted by JeenaJulia - 2007/10/26 10:51

Ne buno bu KISUMULUZZO bwebuba gyebuli bulungi nyoo ku baana okuyiga olulimu oluganda,Ka KASOBEEZA temukelabila.Mwami Musamize tukusanyukidde ssebo.Wabula oliko elinya eddungi.

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa
Posted by Meli - 2007/10/28 21:51

Heheheheh, bannange Phad nkulabye todduka, nkulabye nga ogenda okugula obukunizo!! Ggwe ne Robster, tujjabbakolako compaign okuva wano ku forum ebagaana okuddayo okutta obukunizo nga mulina ebitako!!! With all due respect Rob, toyinza kuba nga obukunizo bwoona obumanyi from A to Z, omuvubuka omuto nga ggwe. Pleaseeeeeeeee! Gwe olina shelf nnamba eyebitako byobukunizo.

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa
Posted by luutu26 - 2007/10/28 22:00

Meli mukwano ndabirawa? Robster tasoma butabo ekyo bakiyitakomanya engero ensonge alabika yakulira mu bajaaja be.

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa
Posted by Meli - 2007/10/28 22:22

Oli otya mwana wa nyabo Luutu26, (I love your name with that number that goes with it). Naye lwaki owoleereza Rob? Simanyi akubanja? Mmeka ndabe oba nyinza okuyamba? Kubanga bwaaba nga ddala obukunizo obwo bonna abumanyi ku mutwe nokubunyonyola, ajja kuba nga amanyi nokusiba akandooya.

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa
Posted by luutu26 - 2007/10/28 22:27

Nange mukwano erinya lyo eryo ndyagalanyo kuba lyali lyajaja nge azala maama.Naye nange nabuza ku Robster lumu jagula obutabo yanziramu kimu nti mwana wakitange engero nziyina mumutwe. Okujako phad annonya obutabo

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa
Posted by Meli - 2007/10/28 22:32

Hahahahah, naye ate bambi Phad oyo pleader wange, bwemmuteeka ani anabeera pleader wange? Naye

Luutu26,bwennadda e London ojja kwongera ombulire ku bya jajjawo oyo, tabeera nga nange ye jajja wange. Olina aboluganda bangi eyo?

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by luutu26 - 2007/10/28 22:42

Nkulinze Meli

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Phad - 2007/10/28 23:04

Meli wamma kyogereko, nali njagala okukyogera naye nentya nti nyinza okwetyabira akalimu obuwuka,konze ka nninde,oba oli awo nga waliwo omulala alowooza nga nze,naye nsanyuse bw'okyogeddeko.Oyo Robster alabika obukunizo yabu downloading-a ku Ipod ye,kati buli kamu akola search nga akajjayo.

Wabula ate oyogedde ku linnya lya Luutu,nze nendaba eliryo.Nga wanyiridde mu kabbo k'ebimuli awo...simanyi eyo Bible?

==========

Re:Nsimbi / Walusimbi / Mpalanyi / Mukasa

Posted by Meli - 2007/10/28 23:27

Yye ssebo bible, eriko nekigamba nti The Holy Bible ate wansi waliwo nakagamba nti God Bless You, wadde tekalabika. Yee nyiridde bulungi, kubanga sagala nsiwukire ku mbaga eno.

Kkwo okuba nange nfuba, naye bwendaba nga Rob byamanyi nga nfuna ennugu. Anzijukiza omwana gwennasituka nengenda nkuba oluyi nga ndi mu P3, yali asoma bulungi nnyo oluganda, ate nga asoma nnyo namwanguka. Nze nga ngattulula bugattuluzi ate mu kaama, nga antabula ate nga ankuba nobujja. Ne Rob kyenva mmuteeka, kuba antiisa nti nze ngenda okubeera omukulu atamanyi. Nga mpoza bannange saakulira kuno sibimanyi. Nfuba nnyo ku vocabulary y'oluganda, bwendaba ekigambo ekipya nga nkyesibirila. Bwenakimalako omwaka ekyo, nga mbakana nobukunizo, oba rather engero ensonge. Till then, Rob bear with me please.

==========